# Bamukutte n'eddagala lya siriimu ng'alikwese mu kaabuyonjo

Bya FATUMAH NAGUDI

AB'EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku mutindo gw'eddagala mu ggwanga ekya National Drug Authority (NDA) nga bakolaganira wamu n'abeebyokwerinda, bakutte omusawo n'eddagala ddoozi emitwalo kkumi eriweweeza ku kawuka ka siriimu ng'alikwese mu kaabuyonjo.


Okukwatibwa kiddiridde aba NDA okussaawo omuyiggo ku bantu abagufudde omuze okubba eddagala lya Gavumenti.

Eyakwattiddwa ye Swamad Nsamba, omusawo ku ddwaaliro lya Kassanda Health Center IV mu ttawuni y'e Bukuya mu disitulikiti y'e Kassanda.

Omwogezi w'ekitongole kya NDA, Abiaz Rwamwiri yagambye, eddagala eryakwatiddwa kuliko eriweweeza akawuka ka mukenenya ddoozi emitwalo 10, Aspirin omutwalo gumu n'ekitundu n'obuuma obukebera siriimu obuwera 400 nga byonna byabaddeko laama za Gavumenti.

Rwamwiri yagambye nti, omukwate eddagala yabadde alikwese mu kaabuyonjo y'eddwaaliro ly'obwannannyini gy'akuba ekyeyo. Yagambye bukya batandika kaweefube ow'okulwanyisa okubba eddagala mu malwaliro ga Gavumenti mu 2019, abantu 60 be baakakwātibwa nga ku kuliko abasawo 40 n'omuserikale w'amagye. Ate eddagala eribalirirwamu obuwumbi 15 lye lyakaboyebwa.

Yasabye abatuuze okwongera okubaloopera abeenyigira mu kubba eddagala.



Erimu ku ddagala eryakukunuddwa mu kaabuyonjo. Mu katono ye Nsamba. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.